

Ekitundu 3: Engeri y'okufunamu ebya Katonda Ebisinga Obulungi

Enyanjula: Lwaki waliwo okusalawo kungi....
...naye nga abayigirizwa batono?

Ekiragiho Ekitukugira: "So temwefaananyirizanga ba mirembe gino..."

"Temwefaananyirizanga"

- Eddoboozi erisirifu
- Ekiragiho ekikulu
- Ekiragiho ky'ekiseera ekyakakati

Ekiwvuunulwa: "Mulekere awo okukkiriza okubumbibwa ebisikiriza n'ebinyigiriza by'ensi eno eriwo kati."

Enkozesa: Tulina **OKWEYAWULA** ku mpisa z'ensi.

"Temwagalanga nsi, wadde eby'ensi. Kubanga omuntu yenna ayagala ensi taliimu kwagala kwa Kitaffe. Kubanga buli eky'ensi: okwegomba kw'omubiri, n'okwegomba kw'amaaso, n'okwekuluntaza okw'obulamu, si bya Kitaffe, naye bya nsi. Ensi n'okwegomba kwayo byonna biggwaawo, naye buli akola Katonda by'ayagala abeerera emirembe gyonna."

1 Yokanna 2:15-17

Mu bufunze: Enkola z'ensi zinoonya **OKUTUSENDASENDA** okuva mu kwagala kwaffe eri Kristo nga tuyita mu **KWESANYUSA, OBUGAGGA, n'EBIFO**.

Ekiragiho Ekitukubiriza: "...naye mukyusibwe olw'okuzza obuggya ebirowoozo byammwe."

"Mukyusibwe"

- *Eddoboozi erisirifu*
- *Ekiragiro ekikulu*
- *Ekiragiro eky'ekiseera ekyakakati*

Ekiwvuunulwa

"Naye kiriza Katonda akyuusize ddala endowooza yo ey'omunda n'enneeyisa yo ey'okungulu ng'okolagana n'omutima gwo gwonna kaseera ku kaseera n'enkola y'Omwoyo ey'okuzza obuggya."

Enkozesza

Osinga kubumbibwa **NSI** oba **KIGAMBO**?

Naye Yesu n'amuddamu nti, "Kyawandiikibwa nti: 'Omuntu tabeera mulamu na mmere yokka, wabula na buli kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda.'"

Matayo 4:4

Kaakano ffe ffenna, amaaso gaffe nga gabikuddwa, ekitiibwa kya Katonda kyakaayakana mu ffe ng'endabirwamu emulisa ekitiibwa kye ne tukyusiibwa okumufaanana okuva mu kitiibwa okutuuka mu kitiibwa, ekiva eri Mukama waffe, Mwoyo.

2 Abakolinso 3:18

Engeri y'okukyuka: "...olw'okudda obuggya mu birowoozo byammwe."

- Okuzza obuggya ebirowoozo byo kwe kuddamu **OKUTUNUULIRA** endowooza y'Abaruumi 12:1 buli kiseera.

Abakkolosaayi 3:1-4

- Okuzza obuggya endowooza yo bulijjo kijja kuzingiramu **OLUTALO**.

2 Abakkolinso 10:4-52

- Okuzza obuggya ebirowoozo byo mulimu gwa Mwoyo **OGUTALI GWA BUNTU**.

Abaruumi 8:5-6

Okuwumbawumba

Ofuuka ekyo **KYOYINGIZA!!!**

Byosobola okukola "Okuzza Obuggya Endowooza yo"

1. **OKUWULIRA** Ekigambo kya Katonda

Abaruumi 10:17

Noolwekyo okukkiriza kujja olw'okuwulira ekigambo kya Kristo.

2. **SOMA** Ekigambo kya Katonda

Okubikkulirwa 1:3

Alina omukisa oyo asoma n'abo abawulira ebigambo by'obunnabbi buno, ne beekuuma ebiwandikiddwa, kubanga ekiseera kiri kiweddeyo..

3. **YIGA** Ekigambo kya Katonda

2 Timoseewo 2:15

Fubanga okweraga ng'osiimibwa Katonda, ng'oli mukozi akola ebitakuswaza, era nga weekuumira mu kkubo ery'obubaka obw'amazima.

4. **KWATA MU MUTWE** Ekigambo kya Katonda

Zabbuli 119:9,11

*Omuwubuka anaakuumanga atya ekkubo lye nga ttereervu?
Anaalikumanga ng'agoberera ekigambo kyo nga bwe kiri. Ntadde ekigambo kyo mu mutima gwange; ndyoke nneme okwonoona..*

5. **FUMINTIRIZA** ku Kigambo kya Katonda

Yoswa 1:8

Ekitabo kino eky'amateeka tekikuvanga mu kamwa, okifumiitirizangako emisana n'ekiro olyoke oteekenga mu nkola ebyo bye kikulagira era bw'otyo bw'oneefunira obuwanguzi n'okukulaakulana.

Ekikozesebwa mu kukyuusa: Enkola ya "SSKWk". (Saba, Soma, Wetegereze, Kiteeke mu nkola, Wekenneenye, Kibuulire)

Egigendererwa ky'okukyuusibwa: "Okufuna ekisinga obulungi ekya Katonda olyoke ogezese, okusinziira ku bumanyirivu, nti okwagala kwa Katonda..."

- Kulungi – Kulabika Bulungi, kusikiriza, kulungi, ate kumatiza nnyo
- Kusanyusa - kukkirizibwa Katonda era kutusanyusa
- Kutuukiridde - okusinziira ku ngeri gye kwakolebwamu, okumalayo obusobozi bwaffe mu bujjuvu mu kutuukiriza Ekigendererwa kya Katonda eri obulamu bwaffe

Wekebere:

1. Kiki ekikulu ky'ogenda "okuggya" mu bubaka buno?
2. Lwaki Abakristaayo batono nnyo abafuna ekisinga obulungi okuva eri Katonda mu bulamu bwabwe okusinziira ku Abaruumi 12:2?
3. Ffenna tulwanagana n'enkola z'ensi nga zinoonya okukyuusa obulamu bwaffe – wa w'osinga okubeera omunafu? Kiki ekisinga okukuyamba okuziyiza okukemebwa mu bitundu byo eby'obunafu?

4. Lwaki 'okuzza obuggya endowooza' kikulu nnyo? Okuzza obuggya endowooza n'okufuna ebya Katonda ebisinga obulungi bikwatagana bitya?

5. Waliwo ekintu kyonna oba omuntu yenna Katonda gwayagala ogambe "nedda" kubanga akuletera okukyuusibwa kw'ensi eno? Olinayo ekintu kyonna Katonda kyayagala okkirize endowooza yo ekyuusibwe osobole okufuna ebirungi ebiva eri ye?